# Engeri omwala gwa Nakivubo gye gusaanyaawo ennyanja Nalubaale

ENNYANJA Nalubaale (Victoria) y'esinga mu nsi yonna obunene mu nnyanja ezirina amazzi g'osobola okukozesezaawo era eyimirizzaawo obukadde n'obukadde bw'abantu mu mawanga g'Obuvanjuba asatu agagigabanako okuli; Uganda, Kenya ne Tanzania.

Mu kunoonyereza kwa Bukedde, yakizudde nti, embeera y'ennyanja yeeraliikiriza olw'engeri kasasiro ne kazambi gye bigisaanyaawo, envuba emenya amateeka, ebikolwa n'enneeyisa y'abantu ebyonoona omutindo gw'amazzi, okusaanyaawo kw'ebifo omuzaalira ebyennyanja n'okukendeera kw'ebyennyanja.

Ensonga y'okutaasa ennyanja Nalubaale, emu ku bikulu ebigenda okutunuulirwa mu kulonda kw'abakulembeze okubindabinda.

Mu kunoonyereza kwaffe, HERBERT MUSOKE, akulaga ensonga ezivuddeko okusaanyizibwawo kw'ennyanja n'ekiteekeddwa okukolebwa okugitaasa okuva eri buli Munnayuganda.

Leero Bukedde akulaga engeri omwala gwa Nakivubo gye gukosa ennyanja Nalubaale ng'eno y'emu ku nsonga lwaki abantu ab'enjawulo okuli abakugu n'abantu baabulijjo bavuddeyo n'eddoboozi ly'omwanguka ku nteekateeka y'okuzimba nga bagamba nti, kiyinza okuvaako obutyabaga obw'amaanyi mu kibuga Kampala okusinga ebirungi ate nga n'abaguzimba bagamba nti, bakikola okumalawo okusoomooza okuguliko.

Omwala guno ogukulugguka kkiromita 9, okuyita mu bitundu bya Kampala eby'enjawulo, guyiira ddala mu Nnalubaale. Enteekateeka z'okuddamu okuguzimba zirimu okugubikka ate n'okuguzimbako ebizimbe abakugu n'abatawagira nteekateeka eno kye bagamba nti, kiyinza okuvaako obuzibu bw'amataba n'okwongera okwonoona ennyanja okusinga bweguli.

Okulabula kuno kwesigama ku ngeri abantu gye beefunyiridde okuyiwa kasasiro ne kazambi mu mwala. Mu mwezi gwa April, Ronald Katende 26, omutuuze mu Kasule zooni, mu munisipaali y'e Makindye-Kampala yakwatibwa era n'asimbibwa mu kkooti oluvannyuma lw'okukwatibwa ku katambi ng'ayiwa kasasiro mu mwala wakati mu kire ky'enkuba.

Katende yasingisibwa omusango era kkooti n'emusalira okusasula 500,000/- oba okusibwa emwezi ena mu kkomera e Luzira. Ono tali yekka wabula Bannakampala baagufuula muze okuyiwa kasasiro n'okuta kazimbi okuva mu kaabuyonjo okuyiwa mu mwala guno n'emirala egigwegattako byonna ne bikulugguka okuggweera mu Nalubaale.



Entuumu y'olufuufu ekung'aniddde mu mwala gwa Nakivubo mu bitundu bya Industrial Area.

Naomi Karekaho, omwogezi w'ekitongole okuvunaanyizibwa ku butonde bw'ensi mu Uganda ekya National Environment Management Authority (NEMA), agamba nti, kazambi ne kasasiro w'obuveera, ebicupa bya pulasitiika n'ebirala ebiggweera mu nnyanja naddala mu biseera by'enkuba biva mu bitundu ebyetoolodde ennyanja.

Lipoota y'ekitongole kya Kampala Capital City Authority (KCCA), eraga nti, ekibuga Kampala kifulumya ttani za kasasiro 2,000 buli lunaku kyokka ebitundu 50 ku 100 byokka by'ebiyoolebwa okutwalibwa mu bifo ebituufu w'alina okuyiibwa, olwo asigalidde n'amansibwa nga buli omu bw'asobodde omuli n'okuyiibwa mu myala.

"Kasasiro ono yenna asigala mu bantu asinga aggweera mu mwala gwa Nakivubo olwo enkuba bw'etonnya n'akuluggusibwa okuyingizibwa mu Nalubaale," Karekaho bw'agamba.

Omwala guno guliko emirala eginguyiwako okuli; Nakamiro, Nsooba, Kaiyanja, Kiwuunya, Kinawattaka, n'emirala era nga tegunnaba kuyiwa ku Nalubaale, guyita mu lutobazzi lwa Nakivubo olwaliko obugazi bwa 5.29-6.0 Sqkm.

Wabula okunoonyeereza okwakolebwa ku ngeri entobazzi gye zisaanyiziddwaawo, kulaga ng'ebitundu 60 ku 100 eby'olutobazzi luno bisaanyiziddwaawo abaagala okuzimba amayumba, amakolero abalima n'ebirala, olwo kasasiro n'ayingira butereevu mu nnyanja.

Okusinziira ku kitongole ky'amazzi ne kazambi abantu 10 ku 100 bokka mu Kampala be bakyatungibwa ku mukutu ogutambuza kazambi ogw'eggwanga olwo ebitundu 46 ebya kazambi atalongooseddwa ne biggweera mu myala nga Nakivubo egimukulugguusa okutuuka mu nnyanja Nalubaale.

Obucaafu obuyingira Nalubaale, omumyuka w'akulira ekitongole kya Advocate Coalition for Development and Environment (ACODE), Onesmus Mugyenyi agamba nti, omwala gwa Nakivubo gulinga ttanka ya kazambi eri Bannakampala.

"Omwala guno gwasukka ku kubeera omwala kyokka nga leero gwafuuka mudumu gwa kazambi okutambuza mukoka okwetooloola ekibuga ate n'amaka gonna agali mu Kampala kuba abantu batono ddala abali ku nkola y'okutambuza kazambi ey'eggwanga," Mugyenyi bw'agamba.



Abakozi ba Ham nga bazimba omwala gwa Nakivubo.



Naomi Karekaho, omwogezi wa NEMA.

Mugyenyi agattako nti, omwala guno gwe gukulembedde mu kusaanyaawo ennyanja Nalubaale nga gugiyiwamu kazambi atalongooseddwaako okuva mu makolero, obubi bw'abantu n'ebisolo, ebisasiro naddala pulasitiika n'obuveera ebikuluggusibwa mukoka okuva mu kibuga.

### EBYONOONA NALUBAALE

**1** Amafuta ne woyiro : Bw'otambula ku mwala gwa Nakivubo, kuliko ggalagi n'ebifo by'okukanika eby'enjawulo nga bano amafuta ne woyiro ebiva mu bidduka n'ebitundu ebirala nga ffiriigi, eby'amasannyalaze babiyiwa mu mwala kw'ossa okugwolezaamu. Ate mu lutobazzi lwa Nakivubo waliwo aboolezaamu ebidduka olwo woyiro ne sabbuuni byonna ne biggweera mu nnyanja.

**2** Eddagala : Karekaho agamba nti, omwala gukuluggusa eddagala eririmu ebirungo eby'obulabe ennyo nga Zinc, Copper, Cadmium Lead, ebiva mu malwaliro n'amakolero byonna ne biggweera mu nnyanja. Obutwa obuva mu bino busaanyaawo obulamu mu nnyanja era bya bulabe eri abantu okuyita mu kulya ebiva mu nnyanja.

**3** Ebigimusa : Gye buvuddeko, amazzi ku mwalo e Luzira gaakwata enkonge ne gafuuka kiragala kw'ossa okuvaamu ekivundu nga kino kyava ku bigimusa ebisusse mu nnyanja ebireetera okumera n'okukula kw'ebimera by'omu mazzi nga bino oluvannyuma ebivunda ne bireeta ekivundu n'okumalawo omukka ogussibwa mu mazzi we bibeera.

### MANIFESITO Z'ABEESIMBYEWO KYE ZIGAMBA KU BUTONDE BW'ENSI

Ekibiina bya NRM, essira kyalitadde ku butonde n'ebyobugagga eby'omu ttaka. Pulezidenti Museveni agamba nti, okukulaakulana kwa Uganda n'okulembeerawo kwa Bannayuganda obulungi byesigama ku nkwata y'obugagga bw'eggwanga obw'obutonde.

Agamba nti, Uganda erina obugagga bw'ebibira, amazzi n'ebirala ng'okusobola okubikozesa obulungi, NRM egenda kwongera okukakasa ng'abantu batuusibwako amazzi amayonjo n'okukuuma obuyonjo okutwaliza awamu.

Okusinziira ku Museveni, ebibira byeyongedde okuva ku bitundu 9.5 ku 100 mu 2015 okutuuka ku bitundu 13 ku 100 era nga gavumenti eyongedde amaanyi mu kugoba abantu abeesenza mu bifo ebitakkirizibwamu ng'ebibira, embalama z'ennyanja, entobazzi n'ebirala nga byonna biruubirirwamu okutaasa obutonde bw'ensi.

Kyo ekibiina kya National Unity Platform (NUP), essira kyakulissa ku kukakasa ng'obutonde bukozesebwa mu ngeri ey'obuvunaanyizibwa ekakasa nti, abaliwo leero babuganyulwamu ate n'abaliddawo.

Omukulembeze wa NUP Robert Kyagulanyi, agamba nti, bagenda kwesigama ku kwogerezeganya n'abantu ababeera mu bitundu ebisangibwamu eby'obugagga bino kuba bamanyi okuvaayo n'enkola ennung'amu ez'okubikuuma ate n'okussa amaanyi ku kukozesa eby'amasannyalaze g'obutonde ng'amaanyi g'enjuba, amanda agava mu kasasiro n'ebirala.

### EKIRINA OKUKOLEBWA

Karekaho agamba nti, buli omu ateekeddwa okukimanya nti, okukuuma obutonde buvunaanyizibwa bwe kuba buli ky'okola, kikosa obutonde ate ng'ebinaavaamu naawe bigenda kukutwaliramu.